# BUUZA OMUSAWO

# Lwaki nsesema nga ndi lubuto?



Dr. Henry Kaggwa

**LWAKI bwe mbeera olubuto nfuna ekizibu ky'okusesemasesema nga lukyali luto era nnina kukola ki okulaba ng'ekyo kivaawo?**

Abakyala b'embuto basesema ng'embuto zikyali nto olw'ensonga nti, omubiri gukola ebirungo ebirina okuyamba olubuto okutonda awamu n'okukula obulungi, kyokka ate ebirungo ebyo bivaako abakyala abamu okusesema okumala akaseera oba ne kitwala ebbanga ttono, wadde waliwo abatakifunirako ddala.

Ku buli bakyala 100 abafuna embuto, 80 ku bo basesema awamu n'okusinduukirirwa emmeeme embuto nga zikyali nto nga kiva ku birungo ebyo era ng'ekizibu ekyo kigenda kikendeera buli olubuto gye lugenda lukula okutandikira ku myezi 4 ku 5.

Ebirungo bino ebiyamba okutonda omwana mu lubuto nga lukyali luto bibeera bikendedde mu mubiri.

Wabula abakyala bano abassesema, mulimu abasukka ne baggwaamu amaanyi n'amazzi ne batuuka ne ku bitanda. Era wano mu Uganda abakyala 16 ku 100 be batera okusanga embeera eno.

Ng'oggyeeko ebirungo ebyo, omukyala alina olubuto ng'afuna obuzibu bwe butyo asobola okusesema nga kivudde ku ndwadde endala nga omusujja gw'ensiri, alusa oba obulwadde bw'entunnunsi.

Abalala olumu kiva ku kulya emmere oba ebintu ebicaafu ekiyinza okuvaako okukola obutwa mu mubiri n'afuna ekizibu ky'okusesema.

Ku Lwokuna olujja, tukuleetera by'olina okukola okukkakkanya embeera.

**Ekibuuzo kino kiddiddwaamu, Dr. Henry Kaggwa, omukugu mu kujjanjaba endwadde ez'enjawulo okuva ku ddwaaliro e Mmengo ne bikung'aanyizibwa HARRIET NAKALEMA.**